# KNOW THE GLOW®




eukocoria (“The Glow”) kwe kumyansa kwa’amaaso mumbeera etali ya bulijjo, etera okubeera mu ndwadde z’amaaso eziwerako ez’amaanyi mu baana awamu n’ekisinga okuvaako okuziba amaaso mu baana.

Ekirungi nti “The Glow” esoboola ezuulibwa okuyita mubifaananyi byakamera ayabulijjo, biyamba era kisobozesa abazadde mu nsi yonna okuzuula obulwade ngabukyali n’okujjanjabibwa mu mitendera egyisookera daala egy’endwadde zino eziteeka okulaba n’obulamu mu matigga.

## Omulamwa

Omulamwa kwaffe kwe kumalawo mu nsi yonna okuziba amaaso kw’abaana okuziyizibwa.

## Mission

Omulimu gwaffe kwe kusomesa abantu bonna n’abasawo ku ngeri y’okuzuula “the Glow” “okumyansa mumaaso” n’okuvuga ebikolwa okutangira okuziba amaaso mu baana.

**EBIKWATA KU THE GLOW**

- Abaana omu ku buli 80 ajja kwolesa “the Glow” “okumyansa”nga tannaweza myaka mwenda
- Ebitundu ebisukka mu 80 ku buli 100 eby’abalwadde ba Retinoblastoma “kokoro wamaaso “ mubaana ne Coats’ Disease basooka kuzuulibwa muzadde oba omuntu w’omu maka ng’ayita “mukumyansa kwamaaso” “the Glow”
- Ekiyinza okuba ekiraga obuzibu n’endwadde z’okulaba ezisukka mu 30, “the Glow” “okumyansa mumaaso” eyinza okuba akabonero ka Amblyopia, Coats’ Disease, Congenital Cataract, Refractive Error, Retinal Dysplasia, ne Retinoblastoma n’ebirala

# KNOW THE GLOW®

**EBIKWATA KU**
# OBU ZIBE
**BW'AMA ASO**

- Waliwo mu nsi, omwana aziba amaaso buli luvannyuma lwa sikonda 60
- Abaana kumpi kitundu kya bukadde bafuna obuzibe bw'amaaso buli mwaka
- Emiwendo gy'abazibe b'amaaso gijja kukubisaamu emirundi esatu omwaka 2050 we gunaatuukira okuggyako nga kaweefube w'okuziyiza amaaso ayongezeddwamu amanyi
- Obuzibe bw'amaaso mu Amerika bwalagulwa okukubisaamu emirundi ebiri omwaka 2050 we gunaatuukira
- Ebitundu 80 ku 100 eby'okuziba amaaso mu baana biziyizibwa oba biwona
- Abantu abakulu 75 ku buli 100 abazibe b'amaaso mu Amerika tebalina mirimu
- Ensimbi ezisaasaanyizibwa mu nsi yonna olw'okubulwa amaaso zibalirirwamu $3 Trillion
- Ebisale by'okufiirwa okulaba mu Amerika bisukka mu buwumbi bwa ddoola 139 buli mwaka
- Mu nsi yonna, abantu obukadde 39 bazibe
- Abantu obukadde 285 mu nsi yonna tebalaba bulungi

## KEBERA EBIFAANANYI, KUBA EBIFAANANYI

"The Glow" "okumyansa mumaaso" erabika mu bifaananyi ebyakamera ya flash ng'ekifo ekyeru, ekitali kitangaavu, oba ekya kyenvu mu kifaananyi ky'eriiso, ekiyinza okulaga ekimu ku ndwadde n'embeera z'amaaso ez'enjawulo ezisukka mu 30.



**Tubuuza abazadde:**

1. **Noonye "the Glow!"** "okumyansa mumaaso" nga okebera ebifaananyi eby'edda oba okukuba ebifaananyi ebipya eby'omwana wo
2. **Weekenneenye ebifaananyi by'omwana wo ng'atunudde butereevu mu kkamera** okuva "the Glow" bw'eyinza okulabika okuva mu nsonda eno yokka
3. **Ggyako ekintu kya kkamera yo eky'okukendeeza amaaso** amamyufu okusobola okukwata "the Glow"
4. **Beera bulindaala,** bw'olaba "the Glow" "okumyansa mumaaso" omulundi gumu. BEERA ACTIVE, bwoba okiraba emirundi ebiri mu liiso limu
5. **Buzza omusawo w'amaaso omukugu** –okukeberebwa amaaso mu bujjuvu, omuli n'okukeberebwa kw'amaaso okumyufu
6. **Leeta ebifaananyi by'omwana wo ebiraga okumyansa mumaaso "the Glow"** nga ojja okulaba omusawo w'amaaso
7. **Tuyambe okubunyisa amawulire!** Naddala eri abazadde b'abaana abato!!!

**Kubanga teri mwana alina kuziba maaso olw'obulwadde bw'amaaso obuziyizibwa.**

Okumanya ebisingawo ku "The Glow," genda ku **www.knowtheglow.org**

Sources: 10 FACTS ABOUT BLINDNESS AND VISUAL IMPAIRMENT. http://www.salute.gov.it/imgs/C_17_pubblicazioni_1656_ulterioriallegati_ulterioreallegato_0_alleg.pdf. 10 little-known facts about blindness. (2015, September 24). https://www.perkins.org/stories/10-little-known-facts-about-blindness.April 2010 Issue. https://retinatoday.com/issues/2010-apr. Balmer, A., & Munier, F. (2007, December). Differential diagnosis of leukocoria and strabismus, first presenting signs of retinoblastoma. https://www.ncbi.nlm.nih.gov/pmc/articles/PMC2704541/. The Economic Burden of Vision Loss and Eye Disorders in the United States. https://www.norc.org/Research/Projects/Pages/the-economic-burden-of-vision-loss-and-eye-disorders-in-the-united-states.aspx. Global Blindness Projected to Triple by 2050. (2018, May 18). https://www.seeintl.org/global-blindness-2050/.
Hollows, F. (2017, April 21). The five facts about childhood blindness you need to know. https://medium.com/@FredHollows/the-five-facts-about-childhood-blindness-you-need-to-know-eb8149eccee.Hollows, F. (2017, April 21). The five facts about childhood blindness you need to know. https://medium.com/@FredHollows/the-five-facts-about-childhood-blindness-you-need-to-know-eb8149eccee. Munson, M. C., Plewman, D. L., Baumer, K. M., Henning, R., Zahler, C. T., Kietzman, A. T., … Shaw, B. F. (2019, October 2). Autonomous early detection of eye disease in childhood photographs. https://www.ncbi.nlm.nih.gov/pmc/articles/PMC6774731/. Myers, C. (2016, November 9). High Rate of Unemployment for the Blind. https://work.chron.com/high-rate-unemployment-blind-14312.html. Potential disease detection using photographs in childhood vision screenings. (2016, February 17). https://knowtheglow.org/research-efforts-focus-on-increased-glow-detection-through-vision-screening/. Visual impairment, blindness cases in U.S. expected to double by 2050. https://www.nei.nih.gov/about/news-and-events/news/visual-impairment-blindness-cases-us-expected-double-2050.